Katonda Ye Yevvuunulira Ebibye

Kitaffe Ow'omuggulu, Ekigambo kimu ekiba kivudde gy'Oli kisingira wala byonna abantu bye bayinza okukola oba okwogera ekiseera kyonna, kubanga abantu balindiridde kulaba Ggwe. Era tukwebaza kubanga waliwo abali mu kulindirira, nga waliwo kye banoonya kibeewo. Era abantu bwe baba n'ennyonta y'ekintu, nga obuziba bukoowoola Obuziba, wabaawo Obuziba obuteekwa okwanukula eri okukoowoola okwo. Ye nsonga lwaki tuli wano ekiro kino, kubanga kyabadde ku mitima gy'abaweereza bano, n'abantu, okutuyita okujja awamu okukusaba okuganja n'emikisa, nga tukkiriza nti ojja kuwonya abalwadde olokole n'abaabula, era olabise Ekigambo Kyo.

2 Era tusaba, Kitaffe Ow'omuggulu, kino okituwe nga bwe tukulindirira mu buwombeefu, kiro ku kiro. Leka wabeewo oku—okufukibwa kw'Omwoyo Omutukuvu okw'amaanyi, era leka buli muntu azibibwe amaaso eri ebirala byonna ebimwetoolodde okuggyako Katonda. Leka wabeewo okukaaba okw'amaanyi mu bantu, nga balumwa ennyonta ku lwa Katonda, okutuusa lwe wannajja okudda obuggya mu ggwanga lino wonna na buli kkanisa ejjuzibwe n'abantu, nga aboonoonyi bakaabirira Katonda abasaasire, nga—ng'Omwoyo Omutukuvu awonya abalwadde, atambuza abalema, ng'azuukiza n'abafu, era atuwe ebintu bino ebyasuubizibwa mu Kigambo Kyo.

3 Jangu, Mukama Yesu, otuukirize ekisuubizo Kyo. Jangu gye tuli ekiro kino. Tukkiriza nti Ggwe oba bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna, era ebisuubizo Byo tebisobola butatuukirira. Byombi eggulu n'ensi biriremererwa naye Ekigambo Kyo tekiriremererwa. Leka entegeera yaffe ebeere ntangaavu. Leka Omwoyo Omutukuvu ajje agonze ettaka ly'ekisambu. Leka entegeera yaffe ebeere ntangaavu eri Omwoyo n'amaanyi ga Katonda ekiro kino, alyoke ayolese Ebigambo Bye ebyasuubizibwa okuyita mu ffe. Kubanga tukisabye mu Linnya lya Yesu. Amiina.

4 Kaakati, ekiro kino, mmwe abafaayo eri eky'okuyigako, leka tubikkule mu Bayibuli mu Kitabo kya Petero Eky'okubiri, era tutandike n'olunyiriri lwe 15, mu ngeri y'okwogera ku Kyawandiikibwa mu kaseera katono.

Naye era nnaafubanga okubayinzisa buli kaseera nga mmaze okufa okujjukiranga ebyo.

Kubanga tetwagoberera nkwe *ezagunjibwa n'obukujjukujju, ez'enfumo, bwe twabategeeza obuyinza n'okujja* kwa *Mukama Yesu Kristo, naye twalaba n'amaaso gaffe obukulu bwe.*

5 Ekyo nkyagala nti, "twalaba n'amaaso gaffe." So si lufumo bufumo. Tuli bajulirwa b'ebyo bye twogerako.

Kubanga yaweebwa Katonda Kitaffe ettendo n'ekitiibwa, era *eddoboozi bwe lyava mu kitiibwa ekimasamasa ne lijja gy'ali bwe liti nti, Ono ye Mwana wange omwagalwa, gwe nsanyukira ennyo:*

n'eddoboozi eryo ffe ne tuliwulira nga liva mu ggulu, bwe twali awamu naye ku lusozi olutukuvu.

Era ekisinga obunywevu tulina ekigambo kya bannabbi; musobola okuba nga *mukola bulungi okukiraba ekyo, ng'ettabaaza eyakira mu . . . kifo eky'ekizikiza, okutuusa obudde bwe bulikya emmunyeenye ekeesa obudde n'eyaka mu mitima gyammwe:*

nga mumaze okutegeera kino, nti buli kigambo ekya bannabbi ekyawandiikibwa tekitegeeza kukoma kw'oyo yekka.

Kubanga siwali kigambo kya bannabbi ekyali kireeteddwa mu biseera *ebyayita mu kwagala kw'abantu: naye* abasajja *ba Katonda abatukuvu baayogeranga ebyava eri Katonda, nga bakwatiddwa Omwoyo Omutukuvu.*

6 Mukama ayongere omukisa Gwe ku kusoma kw'Ekigambo Kye. Kaakati, guno gwe ŋŋenda okutwala nga omutwe: *Katonda Ye Yevvuunulira Ebibye.*

7 Tuli mu mulembe gw'okutabulwatabulwa. Tuli mu mulembe nga abasajja n'abakazi kumpi tebamanyi kya kukola. Buli kintu, ki—kirabika nga ekiri mu kavuyo. Buli kintu, kirabika nti waliwo engeri nnyingi nnyo ez'enjawulo ze kitunuulirwamu. Oyo Sitaani, y'akola ekyo.

8 Kaakati, Katonda tasobola kusalira bantu musango mu butuukirivu, mu mazima, okuggyako nga waliwo omutindo kw'Asinziira okubasalira. Era Bayibuli egamba nti alisalira abantu bonna omusango nga asinziira ku Yesu Kristo, ate Yesu Kristo ye Kigambo. Mu njiri ya Yokaana Omutukuvu, essuula 1, wagamba nti:

Ku lubereberye waaliwo Kigambo, Kigambo n'aba awali Katonda, Kigambo n'aba Katonda.

Kigambo n'afuuka omubiri, n'abeerako gye tuli . . .

9 Kaakati, ebyo byonna bye tuli leero si kirala wabula enneeyoleka Ze. Mu Katonda . . . Okusooka teyali na Katonda,

Katonda, twandimuyise "Oyo Ataggwawo." Teyali Katonda, kubanga ekigambo (ekigambo ky'Olungereza) *Katonda* kitegeeza "ekyo ekisinzibwa" ate nga tewaaliwo kintu kyonna kimusinza. N'olwekyo Ye yali Oyo Ataggwawo, Ensulo e—enkulu ey'amagezi gonna. Era mu Nsulo eno ey'amagezi gonna temwalimu yadde akantu akasirikitu, akatofaali, oba akantu konna, temwali kitangaala, mmunyeenye, mwezi, oba ekirala kyonna. Katonda, kye tumanyi nga Katonda, gwe Mwoyo omukulu Ogutaggwawo (ogutaliiko lwe gwatandika, ogutaliiko nkomerero), Yaliwo. Era mu Ye mwalimu enneeyoleka ezitali zimu: zaali nneeyoleka ez'okuba Katonda, n'enneeyoleka Ze ez'okuba Kitaffe, enneeyoleka ez'okuba Omwana, enneeyoleka ez'okuba Omulokozi, enneeyoleka ez'okuba Omuwonya. Enneeyoleka zino zonna zaali mu Ye. Ate kaakati Ya . . . Ebintu bino ebizze byebikkula okuva kw'olwo ze nneeyoleka Ze nga zirabisibwa.

10 Kye ntegeeza nti, *enneeyoleka* ezo bye byali "ebirowoozo" Bye. Ate e—*ekigambo* kye "kirowoozo ekyatuddwa." Kati nga ezo ze zaali mu birowoozo Bye. Kale bwe yayogera nti, "Leka wabeewo," era ne waba. "Leka wabeewo," era ne waba.

11 Era kati, jjukira nti, mmwe Abakristayo mwali birowoozo Bye nga n'ensi tennabaawo. Era muli kulabisibwa kwa ndowooza Ye. Nga tewannabaawo wadde ensi, mwali mu Kristo, (amiina) mu Katonda mu lubereberye. Ekyo kale, laba, kibafuula, b'Alinako obwannannyini. Era kyonna awamu ye Katonda, Mwene, nga yeefudde akwatikako asobole okukwatikako, okulabika, ne—n'ebirala. Era ebyo Katonda by'ali, byonna awamu.

12 Kati abantu ne bagamba nti, "Enzivuunula . . ." Nnali njogera wano si dda nnyo mu lukuŋŋaana, omusajja n'aŋŋamba, n'agamba nti, "Ow'oluganda Branham, olina enzivuunula enkyamu. Ekyo tokivvuunula bulungi."

13 Kati, tuwulira . . . Bagenda eri Abamesodisiti, ne bagamba nti "Ababaputisiti tebakivvuunula bulungi." Ababaputisiti nabo bagamba nti, "Abapentekoote tebakivvuunula bulungi." Abapentekoote nabo bagamba nti "A—a Aba Oneness tebakivvuunula bulungi." Aba Oneness bagamba nti, "Aba Assemblies tebakivvuunula bulungi." Era buli omu agamba nti omulala takivvuunula bulungi.

14 Katonda ye yevvuunulira ebibye! Teyeetaaga muntu yenna kumuvvuunulira. Ye yevvuunulira. Muntu ki asobola okuvvuunula Katonda? Katonda ye yevvuunulira ebibye.

15 Kaakati, Peetero nga ayogera wano, tulaba nti mu lubereberye Katonda bwe yagamba nti, "Leka wabeewo ekitangaala," era ekitangaala ne kibaawo, eyo ye nzivuunula yakyo. Katonda bwe yayogera ekintu kyonna ne kirabisibwa, olwo eyo ye yali enzivuunula ya Katonda nti Ekigambo Kye

kituufu. Olaba? Bwe yagamba nti, "Leka wabeewo ekitangaala," kye kyali mu ndowooza Ye nga tewannabaawo na kintu kyonna kiyitibwa kitangaala. Bwe yagamba nti, "Leka wabeewo ekitangaala," ekitangaala ne kivaayo mu bwengula, era eyo ye nzivuunula. Tewali alina kukivvuunula ekyo, kubanga Katonda yayogera era ne kiba. Katonda bw'ayogera ne kirabisibwa, eyo ye nzivuunula y'Ekigambo Kye. Lwaki ekyo abantu tebasobola kukiraba? Lwaki abantu ekyo tebakiraba?

16 Katonda bw'akola ekisuubizo era Katonda n'agamba. . . Ku—ku lubereberye, mu Lubereberye, Ekigambo Kye yakiwa eri buli mulembe nga bwe kyakkanga okuva ku lubereberye okutuuka ku nkomerero. Era, wonna okuyita mu mirembe gino, bannakkanisa babadde nga batabulatabula ebintu bino n'obulombolombo, n'ebirala, era Katonda bulijjo atutumira, okuviira ddala mu Ndagaano Enkadde n'Empya, bannabbi! Era Ekigambo kya Mukama kijjira nnabbi. Era kijja kitya? Nga kyoleka Ekigambo kya Katonda ne kirabisibwa. Okulabisibwa kwa Katonda, kwe kukakasa oba kituufu oba kikyamu. Tewali alina kukivvuunula, Ekigambo kyevvuunula kyokka. Katonda yakisuubiza era ne kibaawo!

17 Kigasa ki okukyogerako ekintu ekirala kyonna? Omwonoonyi y'ani okugezaako okugamba nti (Katonda bw'asuubiza era Katonda n'akikola) nti okuvvuunula okwo kukyamu? Oyo Katonda Mwene nga Yevvuunulira Ebibye, nga avvuunula. Teyeetaaga muntu yenna kumuvvuunula, Yevvuunula okuyita mu kulabisa ekyo kye yasuubiza nti Alikikola.

18 O, ssinga ekkanisa esobola okukiraba ekyo n'eraba n'ebisuubizo ebyagerekerwa buli mulembe! Emirembe emirala gyonna, Katonda abaddenga atuma (n'okuyita mu mirembe omusanvu egy'ekkanisa) era alabisizza buli kimu kye yasuubiza okukola. Buli kimu, tewaliiwo n'ekimu ekirekeddwa nga tekikoleddwa. Ddala! Kyennyini kye yagamba okukola, era ky'Akoze.

19 Kubanga Katonda bwe yayogera, edda mu Isaaya, yagamba nti, "Embeerera eriba olubuto," era n'eba. Kati, ani—ani ayinza okuvvuunula ekyo? Katonda yakivvuunula. Yagamba nti, "Embeerera eriba olubuto," era n'eba olubuto. Kati, kiki kyo. . . tosobola. . . Tewali kiyinza kukyogerwako, kubanga Katonda yagamba nti eriba era n'eba. Naye ekkansia yali nzibe y'amaaso nnyo mu kiseera ekyo n'etayinza kukiraba. Olaba, baakirinako endowooza eyaabwe nga bo. Kya—kyaayawukana nnyo ku ekyo kye baali basuubira.

20 Peetero wano yali ajuliza emabega, bwe yagamba nti, "Katonda yalabisa Kristo okuyita mu Kigambo Kye, n'Agamba nti, 'Ono ye Mwana Wange omwagalwa.'" Abakkiriza bano baali bayimiridde awo. Era Kristo ye yali okulabisibwa kwa Katonda.

Yalabisanga Kristo bulijjo okuyita mu Kigambo Kye, kubanga Kristo kye Kigambo. Alabisibwa bulijjo.

21 Bwe yagamba . . . Mu nnaku za Nuuwa, Kristo yali mu Nuuwa. Mukikkiriza ekyo? Nuuwa yagamba nti, "Enkuba egenda kutonnya. Wajja kubaawo enkuba, ensi egenda kuzikirizibwa." Enkuba yatonnya. Ekyo kyali tekyetaaga kuvvuunula kwonna. Yatonnya kubanga Katonda, mu Nuuwa, yagamba nti, "Egenda kutonnya." Yali nnabbi, era obukakafu bwali nti kye yayogera kyatuukirira. N'olwekyo ekyo baali tebeetaaga kukivvuunula.

22 Abamu ku bo bayinza, abaaliwo, nga baagamba nti, "Omusajja ono tamanyi ky'ayogerako."

23 Naye Katonda bulijjo yali yasuubiza nti, "Bwe wabaawo ow'omwoyo mu mmwe, oba nnabbi, ky'ayogera ne kituukirira, olwo mukiwulire." Ky'ekyo, kubanga kituufu. Kiteekwa okuba nga kikkiriziganya n'Ekigambo. Era Nuuwa yali akkiriziganya n'Ekigambo. Bwe yalagula nti enkuba egenda kutonnya, n'etonnya. Ekyo kyali tekyetaaga kuvvuunula kwonna kw'ekyo, kubanga yakolera ddala ekyo kyennyini.

24 Isaaya yagamba nti, "Embeerera eriba olubuto," era n'eba. Kati, ekyo tekyali kya bulijjo n'akatono. Kubanga, laba, waayitawo emyaka bikumi na bikumi nga embeerera eno tennaba lubuto.

25 Kyali kyewuunyisa nnyo n'okutuusa nti omusajja omulungi amanyiddwa nga Yusuufu, bba, "kubanga yali muntu mutuukirivu n'atayagala kumuswaza mu lujjudde . . ." Omusajja oyo omutuukirivu mu biro ebyo, nga kiteekwa okuba nga tekyali kyangu eri Yusuufu bwe yali nga ayogereza Malyamu.

26 Yali ayogerezebwa. Mu biro ebyo, nga ekyo okukimenya, kye kimu n'okwenda. Ate, ddala, eri Yusuufu, kyalabika nga Malyamu eyali agezaako okumukozesa nga eky'okwekwasa, oba okumufuula abikkirira ensobi ye, kubanga wano yasangibwa nga ali lubuto, nga tannafumbirwa, nga akyayogerezebwa. Olukwe nga olwo, nga bakuttisa mayinja; bwe kyali kiteekwa okuba, okusinziira ku mateeka.

27 Era Yusufu, bba, yali musajja mutuukirivu, musajja mutuukirivu nnyo. Yakkiriza Katonda. Era bwe yamutunuuliranga n'amaaso ago amanene ag'ekisa ag'omukwano, n'agamba nti, "Yusufu, Gabulyeri Ssaabamalayika yankyalira n'aŋŋamba nti ŋŋenda kuba olubuto, nga ssimanyi musajja."

28 Kati, ssinga Yusufu yakeberako emabega mu Byawandiikibwa, nnabbi yali yagamba nti alibeera! Yali Katonda nga avvuunula Ekigambo Kye Ye! Okiraba? Naye tekyali kya bulijjo n'akatono.

29 Ogwo gwe mutawaana mu buli mulembe gwonna. Ekigambo kya Katonda kigwira eri abantu; kisuse okubeera ekitali kya bulijjo. Katonda bulijjo akola ebitali bya bulijjo. Tekibeera kya bulijjo wonna Katonda w'abeera. Kiba kikontana n'ensengeka y'ensi ey'ebintu, kubanga bo balina ebintu mu ngeri gye balowooza nti gye birina okubaamu. Naye Katonda ajja n'akola ekitali kya bulijjo.

30 "Embeerera eno eyinza etya okuba olubuto?" Yali mwesimbu, n'akyebuuzako eri Katonda.

31 Awo Katonda n'ayogera naye mu kirooto, n'agamba nti, "Yusufu, ggwe omwana wa Dawudi, totya kutwala Malyamu mukyala wo, kubanga olubuto lw'alina mu nda ye lwa Mwoyo Mutukuvu. Katonda amusiikirizza. Kino kwe kivudde."

32 Wali weteegerezza engeri Katonda gye yakolaganamu ne Yusufu awo? Ku ddaala erya wansi, mu ngeri ey'ekirooto. Kati, tukimanyi nti waliwo ebirooto, tukkiririza mu birooto. Nzikiririza mu birooto. Bibadde. . .Katonda bulijjo akolaganyenga n'abantu okuyita mu birooto. Naye ebirooto biri ku ddaala lya wansi, olaba, biyinza okuba ebituufu oba ebikyamu okuggyako nga bivvuunuddwa. Naye yali teyetaaga kuvvuunulwa kwonna. Yali Katonda Mwene nga ayogera butereevu ne Yusufu, kubanga tewaaliwo nnabbi mu biro ebyo okuvvuunula. Baali tebalina nnabbi okumala emyaka bina. Kati ekiddirira obulungi, nga Katonda afaayo ku mbeera, engeri Mutabani We gy'anayisibwamu, kwali kwogera na Yusufu okuyita mu kirooto era nga tewali kuvvuunula. Yagamba nti, "Omukazi mutuufu. Ekyo Ekitukuvu ekiri mu lubuto lwe ye Mwana wa Katonda." Kyali tekyetaaga kuvvuunula kwonna.

33 Katonda akola okuvvuunula Kwe Ye eri emitima egy'amazima, emyesimbu. Abasajja n'abakazi abatunuulira eki—ekintu ekikisiddwa, bw'obeera ow'amazima era omwesimbu era nga onakkiriza, Katonda alina engeri ey'okukikuvvuunuliramu. Ekisooka, sooka olabe oba nga kisuubizo. Ssinga Yusufu yaddayo buzzi n'ava ku bulombolombo n'addayo ku Bayibuli, n'akizuula, Isaaya nga agamba nti yali wa kubeera ekyo.

34 N'ebintu ebyayogerwako, n'okuzaalibwa Kwe, ne byonna ebyali bikikwatako ebyayogerwa mu Byawandiikibwa, "okuyita mu bannabbi abatukuvu," nga Peetero bwe yagamba. Era tewali muntu akkirizibwa kukiwa nzivuunula eyiye. Ky'ekyo kyennyini Katonda kye yayogera nti kye kiribaawo. Ye yali okulabisibwa kw'Ekigambo kya Katonda ekyasuubizibwa eri ebiro ebyo. Katonda yakyogera, era ne kiba. Ekyo kyali kimala.

35 Yesu yagamba. . .Bwe yali ku nsi, bwe bataategeera buweereza Bwe, bwali bwa maanyi nnyo, nga buwuniikiriza nnyo, (tebaayinza), nga buwuniikiriza, manya. Tebaayinza kumutegeera. Yagamba nti, "Mukebere mu Byawandiikibwa!"

(Ka nsuubire nti eyo ssibaasa matu bwe mbwatukiramu bwentyo.) "Mukebere mu Byawandiikibwa, kubanga mu Byo mulowooza nti mulina Obulamu Obutaggwaawo, nga ate Bye byogera ku Nze." Okiraba? "Bye bibategeeza Kiki kyendi."

36 Olaba, Katonda yagereka Ekigambo. Ebyo bye byalina okuba ebiro by'okulabisibwa kwa Katonda, Katonda (Emmanweri) ali naffe, "Erinnya Lye aliyitibwa nti Wa kitalo, Ateesa ebigambo, Omulangira ow'Emirembe, Katonda ow'Amaanyi, Kitaffe Ataggwaawo. Era Erinnya lye aliyitibwa *Emmanweri,* 'Katonda ali naffe.'" Katonda yali mu Dawudi. Katonda yali mu Musa. Katonda! Oyo Katonda okuyita mu abo bonna, nga yeeyoleka eri omulembe ogwo. Naye eri omulembe guno, "Embeerera eriba olubuto era erizaala Omwana ow'obulenzi, era alibeera Katonda ali naffe."

37 Ekyo kye kyamukomereza, kwefuula Katonda, n'okumenya Ssabbiiti. Yali—Yali Katonda wa Ssabbiiti, era yali Katonda. Era teyali muntu buntu owa bulijjo oba nnabbi owa bulijjo (naye ate nga yali Muntu owa bulijjo era Nnabbi), naye yali Katonda-Nnabbi. Era ye yali okutuukirizibwa kw'Ekigambo, ekyo kyennyini Katonda kye yagamba ky'Alikola. Yagamba nti, "Ani ku mmwe ayinza okunnumiriza ekibi? Munoonye mu Byawandiikibwa! Mu Byo mulowooza nti mulina Obulamu Obutaggwaawo, ate nga Bye byogera ku Nze." Naye obulombolombo bwabwe, baali batambulira mu kutangalijja okuguumaaza okwali okw'omulembe omulala.

38 Nga bwe nnali mbuulira wiiki ntono eziyise ku, "*Kubeera mu kutangalijja okuguumaaza.*" Okutangalijja okuguumaaza kye "kiyenzeyenze," ekitangaala ky'enjuba bwe kikuba ku nsi ne kiddayo gy'eri, era kiba kiguumaaza. Era buli kutangalijja kwonna okuguumaaza okw'omulembe omulala kiba kitangaala ekiguumaaza. Abantu bulijjo batambulira mu kintu ekyabaawo edda. Abaluzalani batambulira mu kutangalijja okuguumaaza okw'omulembe gwa Luther. Ekitangaala kya Luther kyali kirungi mu biro bye; Wesley yali mulungi mu biro bye; Pentekoote yali nnungi mu biro byayo. Twongera okulinnya eddaala, tuli mu mulembe mulala! Tugenda mu maaso, mu maaso, tetuyinza kusigala nga tutunula mabega.

39 Bwe tutebenkerera mu bintu, tulowooza nti byonna tubimaze, ne twezingirira mu bulombolombo bwaffe; era ekyo tekyalina kabi mu nnaku ezo, wabula kati tugenda mu maaso! Munoonye mu Byawandiikibwa mulabe ekyasuubizibwa mu biro bino, awo tujja kumanya wa wetuli, awo tujja kumanya wa wetuyimiridde.

40 Luther; wali osobola okukebera mu Byawandiikibwa n'okiraba nti mu—nti mu mulembe ogwo ogwa Saadi, osobola okulaba ekyo kyennyini ekyasuubizibwa. Weetegereze omwebagazi eyavaayo, weetegereze kiki ekyamulumbagana,

ddala, "obukalabakalaba bw'omuntu," okuddaabulula. Wekkaanye Wesley, n'abalala. Nga bwekijjira ddala okutuuka mu mulembe gwa Pentekoote, era n'okuyita mu mulembe ogwo, weetegereze engeri gye kitambuddemu. Mutunule mu Byawandiikibwa mulabe wa we tuli. Eyo ye nsonga lwaki Yesu yagamba nti, "Mukebere mu Byawandiikibwa!"

41 Mulaba we tuli! Nzikiriza nti tuli mu Kujja kw'Omwana wa Katonda kaakati. Nzikiriza nti tuli mu mulembe o—ogw'ekiseera kyennyini mw'Ayinza okulabikira akaseera konna. Nzikiriza Ebyawandiikibwa kye byogera, nti tuli mu ssaawa ezisembayo ez'ebyafaayo by'ensi eno. Nsobola okulaba ebintu nga bwe bikyuka. Mulaba Akakiiko kano akagatta Amakanisa bwe kasika amakanisa gonna okukeetabamu, okuyingira mu kabonero k'ensolo. Era mulaba Obwakabaka bwa Rooma ne kye bukola, n'abalala bonna. Mulaba nga bwe beegatta awamu, nga baggalira Ekitangaala ebweru, baggalira Enjiri ebweru. Buli muntu ateekwa okukeetabamu era atambulire mu kitangaala kyabwe oba si ekyo tojja kutambula yadde. Olaba, tuli mu kiseera eky'enkomerero. Tetulina kyetusigazza okujjako okwekwata ku Katonda ne tukkiriza Ekigambo Kye. Ekigambo lubeerera kiba kituufu.

42 Mu mulembe gw'ekkanisa ogwa Lawodikiya, gwe gwali omulembe gw'ekkanisa gwokka, mu gyonna, Kristo mwe yagoberwa ebweru w'ekkanisa. Yali wabweru, nga akonkona. Kiki ekyabaawo? Akakiiko kano akagatta Amakanisa ke kagenda okumufulumya ebweru. Bayibuli yagamba nti Yali wa kubeera bweru, era gy'Ali. Kaggalira ki ebweru? Ekigambo. Era Ye Kigambo, bulijjo abaddenga Kigambo, era akyali Kigambo ekiro kino! Ye Kigambo.

43 Bayibuli egamba nti, "Ekigambo kyogi, kya maanyi nnyo okusinga ekitala eky'obwogi obubiri," Abaebulaniya, essuula 4, "ekyawula okulowooza n'okufumiitiriza kw'omutima." Ekigambo kyali! Baali bagwaanidde okutegeera Kiki kye yali Yesu bwe yayogera ekyo mu biro ebyo.

44 Wekkaanye kye yakola. Lumu yali ayimiridde awo, mu ntandikwa y'obuweereza Bwe. Waliwo omusajja eyajja gy'Ali, erinnya lye Simooni, Simooni Peetero. Era Peetero bwe yamutunulako na—n'amulaba, Yesu n'amugamba nti, "Erinnya lyo ggwe Simooni era oli mutabani wa Yona." (Yandibadde ategeera nti Musa yagamba nti, "Mukama Katonda wammwe alibayimusiza Nnabbi afaanana nga nze, era Oyo mumuwuliranga.") Era wuuno wano Omusajja eyali tamulabanganako obulamu Bwe bwonna, n'agamba nti, "Erinnya lyo ggwe Simooni era oli mutabani wa Yona." Lwaki, yamanyirawo awo wennyini nti tayinza kuba kirala. . .Baali bamaze emyaka bikumi na bikumi nga tebalina nnabbi, kyokka kati wuuno wano Omusajja nga amubuulira ebimukwatako. Ky'ova olaba nga yakikkiriza!

45 Firipo, mu kaseera ako, n'agenda na—n'asanga Nassanayiri wansi w'omuti, n'akomawo naye eri Yesu. Yesu n'agamba nti "Laba Omuisiraeri wawu ataliimu bukuusa."

N'agamba nti, "Labbi, wammanya ddi?"

46 N'agamba nti, "Firipo bwe yabadde tannakuyita, nga oli wansi w'omuti, nnakulabye."

47 N'agamba nti, "Labbi, Ggwe Mwana wa Katonda! Ye ggwe Kabaka wa Isiraeli." Yamanya nti ekyo ky'ali! Kiki? Ky'ali tekyetaaga kuvvuunula kwonna, Yakuwa yakyogera!

48 Awo waaliwo abaali tebakikkiriza. Ne bagamba nti, "Omusajja ono Beeruzebuli. Alinamu—Alinamu engeri y'akakodyo k'Akola. Mu—Mulaguzi, oba ekintu bwe kityo."

49 Yesu n'abatunuulira, n'agamba nti, "Kale, bwe mwogera bwe mutyo ku Mwana w'omuntu, kiribasonyiyibwa. Naye Omwoyo Omutukuvu bw'alijja ne mumukola ekintu kye kimu, okuvvoola Ekyo, tekiribasonyiyibwa, mu mirembe gino ne mu mirembe egirijja." Yali alagula ku biro byaffe, ebiro bye tulina okulaba. Kubanga abeera bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna.

Jjukira nti, yali Yesu Kristo mu Musa.

50 Yali Yesu Kristo mu Dawudi. Dawudi, omwana wa . . . Dawudi yayambuka ku lusozi, nga kabaka agaaniddwa, n'akaabira Yerusaalemi, ekyo tekyali kirala wabula Kristo mu ye. Kubanga oluvannyuma lw'emyaka nga lunaana, Omwana wa Dawudi yatuula ku Lusozi olw'Emizeyituuni n'atunuulira Yerusaleemi n'akaaba, n'agamba nti, "Yerusaalemi, Yerusaalemi, emirundi emeka gye nnayagala okkukuŋŋaanya nga enkoko bw'ekuŋŋaanya obwana bwayo, naye ne mutayagala!"

51 Yusufu bwe yali mu kkomera, oyo yali Yesu. Bwe yatundibwa olw'ebitundu bya ffeeza kyenkana amakumi asatu, oyo yali Yesu. Bwe yafuulibwa omukozi wa Potifali, oyo yali Yesu. Bwe yatuuzibwa ku mukono ogwa ddyo ogwa Falaawo. Era bwe yavaawo, buli muntu . . . ekkondeere lyavuganga, era buli muntu yalina okuvunnama, oyo yali Yesu. Tewali muntu yagendanga eri Falaawo nga tayise—tayise mu Yusufu; tewali muntu ayinza kugenda eri Katonda, nga tayise mu Yesu. Yali Yesu, Ekigambo ekyalagulwa nga kituukirizibwa, kyayogerwa mu bisiikirize n'ebifaananyi.

52 Yesu bwe yali wano ku nsi, yakola ekintu kye kimu ba nnabbi kye baakola, kwe baategeerera nti Ye yali okulabisibwa kwa Katonda okw'Ekigambo Kye. Kyali tekyetaaga kuvvuunula.

53 Nassanayiri bwe yalaba kino, n'agwa wansi, n'agamba nti, "Ggwe Kabaka wa Isiraeri, Omwana wa Katonda, Kabaka wa Isiraeli. Tukumanyi, tewali muntu ayinza kukola kino."

54 Nikoodemo yajja ekiro, n'ayogera ekintu kye kimu ku lw'Abafalisaayo. Naye, olaba, baali bannyikidde nnyo

mu Kakiiko kaabwe Akagatta amakanisa n'okutuusa nti tebaasobola kukikkiriza. Yayogera kye baali bagamba, n'agamba nti, "Labbi, ffe . . . " "Ffe" be b'ani? Akakiiko kaabwe! "Tumanyi nti Ggwe muyigiriza eyava eri Katonda, kubanga tewali muntu ayinza kukola bintu bino wabula nga Katonda ali naye." Baakitegeera, baakimanya nti kye Kyo, naye baali bannyikidde nnyo mu kiri.

55 Era Katonda, mu myaka amakumi ana egiyise, anyeenyezza eggwanga lino n'okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu, naye abasajja n'abakazi bakyali bweru waakyo kubanga bannyikidde nnyo mu kintu kye kimu, nga batambulira mu kutangalijja okuguumaaza okw'olunaku olulala. Mutawaana ki? Buli muntu ayagala kubeera Mumesodisiti, Mubaputisiti, Mupulesibiteeriyani, Muluzalaani, oba ekirala. Mulaba, kutangalijja okuguumaaza.

56 Baali batambulira mu kutangalijja okuguumaaza okwali okw'omu biro bya Musa. Yayogera ki? Yagamba nti . . . Baagamba nti, "Tuli bayigirizwa ba Musa."

57 Yagamba nti, "Ssinga mwategeera Musa, mwandintegedde. Musa yawandiika ku Nze!"

58 Ssinga mwategeera Luther, mwanditegedde omulembe guno! Ssinga mwategeera Abamesodisiti, mwanditegedde omulembe guno! Kubanga Kristo yawandiika ku mulembe guno! Ebigambo ebituukirizibwa birina kutuukirizibwa mu mulembe guno. Tekyetaaga muntu kukivvuunula, Katonda yevvuunulira Ebibye. Katonda yevvuunula ye Mwene, kubanga ye Yekka asobola okukivvuunula. Ebisuubizo bya Katonda bulijjo bikakasa bye yayogera, era okwo kwe kuvvuunulwa.

59 Kati, Yesu, (okulokola obudde), Yesu yagamba, mu Mutukuvu Yokaana, essuula 14, olunyiriri olwe 12 nti, "Oyo anzikiriza Nze, emirimu gye nkola naye aligikola." Yakyogera? Kituufu. Ekyo tekyetaaga kuvvuunula kwonna. Omuntu bw'akola omulimu ogwo, oyo aba Katonda. Mazima ddala!

60 Nate yagamba awo nti, "Nga bwe kyali mu nnaku za Lutti, bwe kiriba ne mu kujja kw'Omwana w'omuntu." Ekyo Yesu ye yakyogera. Yakyogera? Mazima ddala, yakyogera! Ekyo tekyetaaga kuvvuunula kwonna.

Bagamba nti, "Kale, ekyo kyali kitegeeza . . . "

61 Kyali kitegeereza ddala ekyo kye yayogera! "Nga bwe kyali mu nnaku za Lutti, bwe kiriba ne mu kujja kw'Omwana w'omuntu." Kiki ekyali mu nnaku za Lutti? Leka tuddeyokko katono, tulabe kiki kye baali bakola.

62 Waaliwo ebika by'abantu bisatu mu nnaku za Lutti: omukkiriza, eyefaananyiriza omukkiriza, n'atakkiriza. Bwe kiri mu buli kibiina, ekintu kye kimu.

Tukiraba nti abantu be Sodoma be baali abatakkiriza.

Lutti ye yali yeefaananyiriza omukkiriza.

63 Ibulayimu ye yali omukkiriza. Endagaano yali yakakasibwa eri ye. Ye yali anoonya omwana ow'obulenzi ow'ekisuubizo. Ye yali akisuubira. Amiina. (Seekubira "amiina." *Amiina* kitegeeza nti "Kibeere bwe kityo!") Era ekyo kituufu. Ibulayimu teyali mu Sodoma. Ibulayimu yali kyengulu era wabweru wa Sodoma. Ye kye kifaananyi ky'Ekkanisa ey'omwoyo leero.

64 Lutti kye kifaananyi ky'ekkanisa ey'ekibiina ky'eddiini ekyali emmanga mu Sodoma. Weetegereze, Bayibuli egamba nti, "Ebibi bye Sodoma byanakuwazanga emmeeme ye entukuvu entakera." Lwaki teyali muvumu kimala okubiziyiza? Waliwo abasajja abalungi bangi abatudde mu kkanisa leero, abatunula nga balaba abakazi bambadde obuwale obumpi n'abasajja nga bakola ebintu bino, ne ba mmemba baabwe nga bagenda, okuzannya goofu ku Ssande, n'obubaga obw'okulambula, n'okuwuga n'ebirala, mu kifo ky'okugenda mu kkanisa. Nga basigala ewaka ku Lwokusatu ekiro, okulaba tereviizoni, mu kifo ky'okugenda mu kkanisa. Bawulira nga bandyagadde okubaako kye bakyogerako, naye akakiiko kajja kubagoba. Mutawaana ki? Ye Lutti nate, ng'atunula okuyita mu ddirisa lye n'alaba ekibi, naye n'atya okuyita ekibi "ekibi"!

65 Ibulayimu teyali mu mivuyo gyabwe, teyagiriimu. Yali kifaananyi ky'Ekkanisa ey'omwoyo. Kati weetegereze kiki ekyabaawo ku nkomerero, nga omuliro tegunnakka. Era abo baali Bannamawanga. Kyayoleka omuliro ogugenda okukka ku nsi ya Bannamawanga leero, obwakabaka we bunaabetenterwa ne bwokebwa. "Obwengula bulyokebwa," bw'ayogera Mukama, "era biryokebwa n'okwokebwa okungi." Ekyo kyali kifaananyi ky'akyo.

66 Kati ka tubakubemu akafaananyi. Wuuno Ibulayimu amaze okufulumayo, tali mu Sodoma, yali bweru wa Sodoma. Lutti yali akyali mu Sodoma.

67 Ekyewuunyisa, amakya agamu ag'ebbugumu, ku ssaawa nga ttaano awo, n'alaba abasajja basatu nga bajja, abasajja aba bulijjo, nga batambula mu luguudo, mu kkubo. Ibulayimu yali atudde wansi w'omuvule, ng'awummuddeko. Yali ava bweru, oba oli awo n'amagana enkya eyo, n'ayingira, nga mu ttuntu. N'alaba abasajja basatu nga bajja. Era waaliwo eky'enjawulo ku basajja abo, ekyali, kirina kye kimujjukiza. O, bannange!

68 Bulijjo wabaawo eky'enjawulo ku Katonda, bwe Kikka mu makkati g'abantu, wabaawo Kye kibajjukiza. Bakitegeera. Wabaawo ekibagamba, wabaawo obukakafu awo.

69 Ibulayimu yadduka mangu, n'agamba nti, "Mukama wange, kyama ndeete otuzzi, ntuleete nnaaze ebigere Byo, nkuwe ne ku kamere, awo oneeyongerayo, mu lugendo lwo." Kale awo n'Akyuka. N'ayingira mu kisibo n'afunayo ennyana n'agitta, n'alagira omuddu we agibaage. N'ayingira mu

weema, ekyemmanga we, n'agamba Saala agoyeewo ku butta, akoleyokko, oba akamere, afumbewo omugaati, akolewokko ne bu kkeeki ku kyoto. N'abireeta n'agabula. Nga bakyatudde awo, balya, ne batandika okwetegereza, Omusajja ono yabeeranga atunula e Sodoma. N'Agamba . . .

70 Ababiri ku bo, jjukira, baaserengeta e mmanga mu Sodoma. Ababiri baagenda e Sodoma. Bambi kino tokisubwa. Njuliza Yesu bye yayogera. Ababiri baagenda e Sodoma okujjayo Lutti na byonna ebyali bigwanidde okujjibwayo eyo. Era ababiri abo abaaserengeta emmanga eyo, baagenda ne babuulira. (Era kuliko Omu eyasigala emabega ne Ibulayimu. Weetegereze akabonero ke yakola.) Baafuna akabonero emmanga eri, waaliyo . . . Abasodoma baazibibwa amaaso. Okubuulira Enjiri bulijjo kuziba amaaso eri atakkiriza. Era weetegereze ekyakikola.

71 Kati, waliwo Omu eyali ayirimiridde emabega wano n'akola akabonero mu maaso ga Ibulayimu.

72 Kati, wali weetegerezza? Munnabyafaayo yenna, goberera Ebyawandiikibwa, goberera ebyafaayo, tewabangawo kiseera mu mirembe gy'ekkanisa omuntu we yali agenzeeko eri ekkanisa ey'omubiri mu nsi, eyo mu bibiina by'amadiini, tewabangawo muntu nga erinnya lye likomekkereza nga Ibulayimu, h-a-m, tekibangayo. Naye leero waliwo gwe balinayo, G-r-a-h-a-m. Kituufu. Agendayo eyo, n'abayitayo. Akola omulimu ogw'ekitalo mu ekyo. Graham, Billy Graham, omuweereza wa Katonda ebweru eyo mu bibiina by'amadiini, bannabyabufuzi, n'ebirala, nga abisesebbula.

73 Luli bwe baali baagala yeesimbewo ku bwa Pulezidenti, yagaanira ddala. Katonda, amuwe omukisa olw'ekyo. Kubanga, kampuni ezikola wisiki, teyandizikkirizza na kutandika kukola nga bwe kyandibadde. Baalisaasaanyiza obuwumbi bwa ddoola, kubanga mu buli ngeri yandiziggadde, kampuni ezo ezikola ssigala n'ebintu nga ebyo. Olaba, ali eyo nga omubaka wa Katonda eri Abasodoma. Ekyo kyennyini.

74 Naye jjukira nti, waliwo Omu eyasigala waggulu eri ne Ibulayimu, Omusajja omulala, so si bali ababiri abaaserengetayo nga ababuulizi b'enjiri aba leero abaagendayo okubuulira. Weetegereze, waliwo Omu eyasigalayo waggulu eri. Ababiri baaserengeta luuyi *luli*, Omu n'asigala *wano* ne Ibulayimu. Era oyo Omu eyasigala ne Ibulayimu yamuwa akabonero.

75 Kati wekkaanye, erinnya lye ly'ali "Ibulaamu" nga ne mukyala we ye "Saarayi," olunaku lumu oba bbiri nga ekyo tekinnaba. Katonda yali yamulabikira n'amugamba nti, "Nkyusa erinnya lyo kati okuva ku Ibulaamu okufuuka Ibulayimu." (Mukiraba, G-r-a-h-a-m lya nyukuta mukaaga, muntu.) Naye A-b-r-a-h-a-m ziri musanvu, enyukuta musanvu; h-a-m, nga lisembyayo ne h-a-m.

76 Kati, waggulu eno mu Kkanisa ey'omwoyo, waaliwo eyali ne Ibulayimu, era weetegereze kye yayogera. N'agamba nti, "Ibulayimu," (so ssi "Ibulaamu") "Ibulayimu, mukyala wo ali luuyi wa" (ssi "S-a-l-a-a-y-i") "S-a-a-l-a? Mukyala wo Saala ali luuyi wa?"

77 Weetegereze kye yayogera, "Ali mu weema emabega Wo."

78 N'agamba nti, "Ndikukyalira. Ŋŋenda kukukyalira." Olaba nnakasigirwa eyo ey'omuntu omu, Oyo, okusinziira ku kisuubizo kye yali akoze. Oyo yali Katonda! Yagamba nti, "Ŋŋenda kukukyalira."

79 Era Saala, (mu ngeri ffenna gye twandikitegeddemu) n'amwenya, ne yeesekerera, n'agamba nti, "Nze, omukazi omukadde, ow'emyaka ekikumi, mukama wange" (nga ye Ibulayimu) "nga naye mukadde, nga twasukka ekiseera ekyo eky'obulamu nga abavubuka abato bwe babeera." N'agamba nti, "Kale, tetukyayinza kubeera na ssanyu nga eryo nate, ndi mukadde era naye akaddiye." N'agamba nti, "Tetukyakisobola ekyo kukifuna." N'agamba nti, "Tutya? Bino tebisobola kubaawo!"

80 Kati o—Omusajja (Katonda nga ali mu mubiri) n'agamba nti, "Lwaki Saala asese era n'abuusabuusa, ng'ayogera bw'ati?" Mu weema, emabega We.

81 Kati weetegereze, oba nga obwo ssi bwe buweereza bwe bumu Yesu Kristo bwe yalina! Yatunuulira ekibiina n'ategeera ebirowoozo byabwe. Yabuulira Peetero erinnya lye awamu n'erya kitaawe. Yabuulira Nassanayiri.

82 Yabuulira omukazi ku luzzi, omukazi bwe yagamba... Yagamba nti, "Genda ondeetere eky'okunywa," manya "Ndeetera eky'okunywa."

83 Omukazi n'agamba nti, "Ssebo, togwanidde kwogera na...mmwe Abayudaaya okwogera n'Abasamaliya. Tetulina nkolagana."

84 N'amugamba nti, "Naye ssinga obadde omanyi Oyo gw'oyogera naye, ggwe wandisabye Nze eky'okunywa." Emboozi n'egenda mu maaso. N'agamba nti, "Genda onone balo mujje wano."

Omukazi n'agamba nti, "Ssirina baze."

N'amugamba nti, "Oyogedde bulungi, kubanga wakabeera na bataano."

Omukazi n'agamba nti, "Ssebo!"

85 Laba enjawulo wakati w'oyo ne ba—ne ba kabona ab'ekiseera ekyo, akakiiko ako nga kali mu kutangalijja okuguumaaza okwali okw'ekiseera ekirala. Abaagamba nti, "Ono Sitaani!" Baalina okubaako kye baanukula eri ekibiina kyabwe, kubanga kyali kikibabanja.

86 Naye omukazi ono bambi, Ensigo eyo eyali yateekerwateekerwa nga eri mu mutima gwe. . . Yali yeetamwa ebintu ebyo, nga yagenda ku nguudo okukola obwa malaaya. Naye bwe yalaba Ekyo, n'agamba nti, "Ssebo, ntegedde nga Oli Nnabbi. Tubadde tetulina n'omu okumala emyaka ebikumi bina, naye twagambibwa nti Masiya bw'alijja ebyo by'ebintu by'Alikola." O, bannange! Ensigo eyali esirikidde munda n'eddamu obulamu! Lwaki? Kyali tekyetaaga kuvvuunula kwonna.

87 Yesu yagamba nti, "Nze Wuuyo ayogera naawe." Ekyo kyali tekyetaaga kuvvuunula kwonna. Yali akoze ekyamagero era nga alaze nti Ye yali Masiya oyo, amiina, era nga akakasirizza ddala ekyo Katonda kye yali yasuubiza ("Mukama Katonda wammwe alibayimusiza Nnabbi alinga nze," Musa bwe yagamba). Kyali kiki? Kukakasibwa kwa Kyawandiikibwa!

88 Yadduka n'agenda mu kibuga, n'agamba nti, "Mujje, mulabe Omusajja ambuulidde bye nnakola. Ono si ye Kristo yennyini? Ono si ye Ye? Ambuulidde bye nnakola."

89 Kati weetegereze, Yesu, ye yali Ye mu Musajja oyo eyali akubye weema omugongo n'ayogera ekyo Saala kye yali alowoozaako munda mu weema.

90 Ekigambo kya Katonda kigamba, mu Abaebbulaniya, essuula 4, nti. . . Agamba bw'ati nti, "Ekigambo kya Katonda kya maanyi nnyo era kisala n'okusinga ekitala eky'obwogi obubiri, nga kisala okwawuliramu ddala obusomyo obw'omu magumba, era kyawula ebirowoozo n'okufumiitiriza kw'omu mutima." Kye Kigambo! Era buli mulundi nnabbi lwe yajja, yajjanga n'Ekigambo, era ye yalinga Ekigambo eky'omulembe ogwo. Era kiki kye kyakola? Omulaguzi eyayawulanga ebirowoozo ebyalinga mu mutima.

91 Kyakikola mu Yesu Kristo kubanga Ye yali Ekigambo mu bujjuvu.

92 Era Yesu yagamba nti, "Nga bwe kyali mu nnaku za Sodoma, bwe kityo bwe kiriba mu kujja kw'Omwana w'omuntu." Omwoyo wa Katonda yali wa kujja ku nsi mu nkula ey'abantu, Katonda nga alabisibwa mu mubiri gw'omuntu (Amiina! Okiraba?), era akole ekintu kyekimu Katonda kye yakola mu mubiri gw'omuntu e Sodoma. Jjukira nti baali balindiridde omwana ow'obulenzi eyasuubizibwa. Era, oluvannyuma lw'ekyo, omwana ow'obulenzi eyasuubizibwa yajja. Ako ke kaali akabonero akasembayo Sodoma n'ekibiina kya Ibulayimu ke baalaba nga omwana ow'obulenzi eyasuubizibwa tannatuuka. Ekyo wali okyeetegerezza? Era kati Ekkanisa ey'omwoyo etuuse mu kiseera ekyo.

93 Waliwo agamba nti, "Ow'oluganda Branham, ogambye nti 'oyo yali Katonda'?"

94 Bayibuli egamba, yali Katonda! Tekyetaaga kuvvuunula. Ye Elohim. Ekyo Ibulayimu kye yamuyita. Omusomi wa Bayibuli yenna ekyo akimanyi. *Elohim,* "Oyo eyeemalirira mu byonna." Ye Yasooka, y'Asembayo; Entandikwa, Enkomerero. Elohim! Ibulayimu yamuyita "Elohim." Katonda (mu nnyukuta ennene mu Lwebbulaniya), Elohim; nga, "Mu luberyeberye Katonda," Elohim.

95 Yali Elohim alabisiddwa mu mubiri gw'omuntu, ng'ayambadde engoye z'abantu, nga alya emmere y'abantu. Amiina! Akabonero nti mu nnaku ez'oluvannyuma Katonda alirabika nate mu makkati g'abantu Be mu mubiri gw'omuntu! Amiina! Yesu yagamba nti, "Emirimu gye nkola nammwe muligikola. Era nga bwe kyali mu nnaku za Sodoma, bwe kityo bwe kiriba mu kujja kw'Omwana w'omuntu." Amiina! Ekyo tekyetaaga kuvvuunula kwonna; kyetaaga kulabisibwa, ekyo kye kyetaaga. Amiina. Ekyo mukikkiriza?

Leka tukoteke emitwe gyaffe.

96 Kitaffe Ow'omuggulu, tuwaayo gy'Oli ekisuubizo Kyo ekiro kya leero nti wayogera ebintu bino. Wabisuubiza. Tewali n'omu ayinza kuleetera Kigambo Kyo kubeera kiramu okujjako Ggwe. Wagamba nti, "Wabeewo ekitangaala," ne wabaawo ekitangaala. Tewali n'omu yetaaga kuvvuunula ekyo, kyalabisibwa.

97 Nga bwe twanokodde Isaaya, nnabbi nti, "Embeerera eriba olubuto," n'ebeera; tekyetaaga kulabisibwa kwonna, yalufuna. Ekyo kye kyabaawo.

98 Wagamba nti, bw'Alijja alizaalibwa mu Besirekemu, "Okuva mu Besirekemu, Buyudaaya. Toli mutono mu balangira ba Yuda, aba Isiraeri? Naye mu ggwe mwe muliva Omufuzi w'abantu Bange."

99 Ebintu by'Alikola, by'Alikaabira ku musaalaba, engeri gy'Alisalirwa omusango, n'Afumitibwa mu bigere Bye ne mu bibatu Bye; "Yafumitibwa olw'okusobya kwaffe, n'abetentebwa olw'obujeemu bwaffe; okubonerezebwa kw'emirembe gyaffe nga kuli ku Ye; olw'emiggo Gye twawonyezebwa."

100 Engeri Dawudi gye yagamba nti, "Ssirireka mmeeme Ye magombe, so ssiriganya Omutukuvu Wange okulaba okuvunda." Era ku lunaku olw'okusatu, nga essaawa ensanvu-mu-bbiri tezinnayita okuvunza omubiri Gwe, Ekigambo kya Katonda ky'agamba nti, "Alizuukira." (Baagamba nti babbayo omulambo Gwe; na kati bakyakikkiriza.) Naye ffe tukkiriza, Mukama, Ekigambo Kyo! Kyalabisibwa. Yesu Kristo yazuukira n'Agamba nti, "Ndi. . . Laba, Ndi wamu nammwe bulijjo, n'okutuusiza ddala ku nkomerero y'ensi."

101 Tukkiriza nti Oli wano ekiro kya leero. Tukkiriza nti Oli Yesu Kristo ddala ekiro kya leero, wano, nga bwe wali obadde. Era onoonya amaaso, emikono, amagulu, omumwa, emmeeme, emibiri, by'Osobola okukozesa okulabisibwa. Katonda, tutukuze

ekiro kya leero, tusobole okulaba Yesu Kristo omulamu nga mulamu mu ffe. Leka Ajje! Olwo kituukirire, nga enjala y'Abayonaani bali abajja ku lunaku luli, ne bagamba nti, "Ssebo, twagala kulaba Yesu." Era ne bamulaba. O, kiteekwa okuba nga kyaleeta essanyu bwe baamulabako!

102 Katonda, Oli bumu leero. Era wasuubiza nti bwe tulumwa enjala tujja kukulaba. "Esigadde akaseera katono, ensi obutandaba nate" (oyo atakkiriza); "naye ate mmwe mulindaba, kubanga nja kubeera nammwe, era mu mmwe, okutuusa ku nkomerero y'ensi." Tumanyi nti Oli bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna.

103 Mukama, Ebigambo byayogerwa, byawandiikibwa, kaakano leka kikolebwe, ku lw'Ekitiibwa kya Katonda, okulaga nti atuukiriza Ekigambo Kye. Amiina. Katonda abawe omukisa.

104 Ŋŋenda kuyita olunyiriri lw'abagenda okusabirwa. Nzikiriza Billy yagambye nti yagabye kaadi ez'ab'okusabira, emu okutuuka ku kikumi, oba bwe kityo. Taliiwo wano kati. Ki . . . Nnamba ki eya kaadi ey'ab'okusabira . . . Wabeewo atunula emabega wa . . . Eyi—eyinza okuba nga nnamba ne e—nnyukuta (A, B, C, D oba . . .). Eri ki, A? Kale.

105 Ka tufune A, nnamba emu, bbiri, ssatu, nnya, ttaano. Mutandike okuyimirira bwe muti. A, nnamba emu, nnamba bbiri, nnamba ssatu, nnamba nnya. Nnya, ssirabye bw'ayimuka. Kaadi nnamba nnya ey'okusabira. Emu, bbiri, ssatu. Kaadi . . . Oba oli awo tasobola kusituka. Bw'aba tasobola, tunulako ku kaadi ya muliraanwa wo, ayinza okuba ne kaadi naye nga tasobola kusituka. Mangu mangu kati. Yiiri, nnya. Ttaano, kaadi nnamba ttaano ey'okusabira. Mukaaga, musanvu, munaana, mwenda, kkumi, kkumi n'emu, kumi na bbiri. Mutandikireewo okujja eno nga nnamba zammwe bwe ziyitibwa. Nnamba emu, bbiri, ssatu, jangu eno butereevu. Kaadi nnamba emu ey'ab'okusabirwa, bbiri, ssatu, nnya, ttaano, mukaaga, musanvu, munaana, mwenda, kkumi, kkumi-n'emu, mufune ebifo byammwe. Kkumi-n'emu, kkumi-na-bbiri, kkumi-na-ssatu, kkumi-na-nnya, kkumi-na-ttaano, kkumi-na-mukaaga, kkumi-na-musanvu, kkumi-na-munaana, kkumi-na-mwenda, abiri, abiri-mu-emu, abiri-mu-bbiri, abiri-mu-ssatu, abiri-mu-nnya, abiri-mu-ttaano. Waliwo atasobola ku . . .

106 Nnengera omuvubuka mu kagaali emabega eri. Ennamba yo bw'eyitibwa, mutabani, era—era nga tosobola ku . . . kale, yimusa buyimusa omukono gwo, tujja kukakasa nti otuuka wano. Mukiraba?

107 Bameka abali wano nga temulina kaadi y'ab'okusabirwa ate nga muli balwadde? Leka tulabe emikono gyammwe, w'oli. Wano wennyini, kituufu, yimusa emikono gyo. Mukkiriza? Nga bwe babakunŋŋaanya, mukikkiriza Kino, nti Abeera bumu jjo n'emirembe gyonna? Bameka? Mwetegereze abaweereza bano;

Ebyawandiikibwa tebyogera leero, ab'oluganda, nti Ye Kabona Omukulu ayinza okukwatibwako n'obulumi bw'obunafu bwaffe? Ekyo ssi kituufu? Bameka abakikkiriza ekyo, yimusa omukono gwo? Ye Kabona Omukulu ayinza okulumirirwa awamu naffe mu bunafu bwaffe.

108 Kati Bayibuli bw'eba nga egamba nti, "Abeera bumu jjo n'emirembe gyonna," ekyo bameka abakikkiriza? Kati aneeyisa atya leero? Ateekwa okweyisa nga bweyakoze jjo. Kituufu? Ali wa leero? Atudde ku mukono ogwa ddyo ogw'Obuyinza, omubiri Gwe; Omwoyo Omutukuvu ali wano munda mu kizimbe, okumumanyisa.

109 Weetegereze, kati labayo. Kiki ekyabaawo omuntu bwe yakoma ku kyambalo Kye luli, omukyala lumu? Teyalina kaadi ya kusabirwa, bwe twandigambye, naye yakoma ku kyambalo Kye. Era bwe yakoma ku kyambalo Kye, Yesu yakyuka n'agamba nti, "Ani ankomyeko?"

110 Peetero n'amunenya, n'agamba nti, "Lwaki, Mukama, ekyo tekiwulikika nga ekirimu amakulu. Kubanga, buli omu agezaako okukukomako. Lwaki ogamba nti, 'Ani ankomyeko?'"

111 N'agamba nti, "Naye mpulira nga nnafuye." Ekyo bameka abakimanyi? *Amaanyi*, ekitegeeza "embavu," gaamuvaamu. "Nnafuye, waliwo ankomyeko n'okukomako okw'enjawulo." N'akyuka n'Atunuulira ekibiina okutuusa lwe yazuula awaali omukutu ogwo ogw'okukkiriza.

112 Buli omu yali amuteekako emikono gye, "O Labbi, tukukkiriza," ne bino byonna.

113 Naye waaliwo omu eyakikkiririza ddala. Era n'akoma ku kyambalo Kye n'akkiriza nti awonyezeddwa, kubanga yayogera mu mutima gwe nti bw'anaakikola ekyo kye kinaabaawo.

114 Yakyuka n'atunuulira ekibiina okutuusa lwe yamuzuula, era n'Agamba . . . n'amugamba nti ekikulukuto kye kikomye era awonyezeddwa. Ekyo kituufu? Kati, bw'atyo bwe yakola, mu kibiina ky'abantu.

115 Kati, nnangirira nti si mufu, mulamu ddala leero nga bwe Yali abadde. Ne Bayibuli egamba, Yesu yagamba, Mwene nti, "Nga bwe kyali mu nnaku za Sodoma, bwe kityo bwe kiriba mu kujja kw'Omwana w'omuntu."

116 Kati labayo, si nsonga kirabo kya ngeri ki Katonda ky'alina waggulu wano, wateekwa okubaawo omu wansi eyo, nayo, okukyanukula. Yagenda mu kibuga, Bayibuli egamba nti, "Waliwo bingi by'Ataayinza kukola olw'obutakkiriza bwabwe." Ekyo kituufu? Ekintu kyekimu ne leero. Oteekwa okumukkiriza. Oteekwa buteekwa okumukkiriza. Eyo ye ngeri yokka gy'osobola.

117 Olunyiriri lw'ab'okusabira luteredde? Kati, buli omu yeewombeeke okumala eddakiika nga kkumi. Ssimanyi oba

nnaatuukayo eyo, nnina nga abiri mu ttaano oba asatu abayimiridde awo. Naye kati, mu lunyiriri olw'ab'okusabira, buli omu ku mmwe abali mu lunyiriri olw'abo'kusabira ng'omanyi nti tetumanyiganye, era nga ssirina kye nkumanyiiko, yimusa omukono gwo. Buli ali mu lunyiriri olw'ab'okusabira.

118 Kati mu kibiina, amanyi nti ssirina kye nkumanyiiko, yimusa omukono gwo. Kati, kati, kiikino kye ngezaako okwogera, ab'emikwano, mulabe. Kati, kiikino. Abaweereza bano bonna abali wano ku kituuti. Era Kristo yakola ekisuubizo kino. Mukiraba, kyawandiikibwa. Kyali kya kutuukirira ddi? Mu nnaku ez'oluvannyuma, nga Okujja kwa Mukama tekunnabaawo. Ekyo kituufu? Kyali kya kutuukirira mu biseera ebyo.

119 Kati, ekyo kye Kigambo ekyalagulwa eky'olwaleero. Si kitangaala kya Luther; si kitangaala kya Wesley; si na kitangaala ky'Abapentekoote. Ekyo kyamalako dda ekiseera kyakyo. Kati, Luther talina mutawaana; Abamesodisiti tebalina mutawaana; Ababaputisiti tebalina mutawaana; bonna, Abapentekoote, balungi. Bonna abo batudde wano ekiro kya leero. Si—si—si bantu kinoomu. Watya nga . . .

120 Toyinza kubuulira Mumesodisiti kintu kyonna kikwata ku Luther, kubanga akkiririza mu kutukuzibwa ate Luther teyakukkiririzaamu. Okiraba?

121 Tosobola kugamba Mupentekoote nti "okutukuzibwa kulimu byonna," alabye okuzzibwawo kw'ebirabo. Tagenda kukikkiriza ekyo. Nedda, alina ekisukka kw'ekyo. Okiraba? Era ogwo gwe mulembe gw'ekkanisa ogusembayo gwe tubadde nagwo, era Bayibuli egamba nti tewajja kubaawo mirembe gya kkanisa mirala gyeyongerako.

122 Naye wajja kubaawo okukuŋŋaanyizibwa kw'abantu, okiraba, era tuutuno wano. Kati, jjukira, akabonero akasembayo. Ffe tunoonya omwana ow'obulenzi eyasuubizibwa? Yimusa omukono gwo. Okkiriza nti ggwe Zzadde lya Ibulayimu olw'okubeera mu Kristo? Yimusa omukono gwo. Kati, gwe Ezzadde lya Ibulayimu, funa akabonero ko! Tekali eri mu Babulooni, tekali eri mu bibiina by'amaddiini. Kali wano mu mmwe, abatali mu mivuyo gy'ebweru eri. Mukakkirize!

123 Wano waliwo omukazi, tetumanyiganiddeeko ddala n'akatono, tuli mu myaka gye gimu. Ssirabangako mukazi ono mu bulamu bwange. Ssinga mbadde nsobola okuwonya omukazi oyo nnandikikoze, ssinga aba nga mulwadde. Ssirina kye mmumanyiiko yadde. Mwamulabye nga ayimusa omukono gwe eddakiika entono eziyise? Ssi—ssimulabangako. Mukazi bukazi ayimiridde wano.

124 Leero bazze wano ne baleeta ekisaaganda kya kaadi ez'ab'okusabira, ne bazitabikatabika ne baziwa abantu. Omu yafunye nnamba emu wano, ate nnamba kkumi ali mabega eri,

nnamba kkumi na ttaano, nnamba musanvu, nnamba . . . bwe batyo. Zonna zitabikibwa, nga mulaba, buli lunaku. Era bwe bayitibwa, bayitibwa okuva buli wamu. Mukiraba? Ate, kati, tekikwetaagisa kubeera na kaadi ya kusabirwa, tuula butuuzi awo okkirize. Lwaki te . . .

125 Weesuneko, olwa leero, otegeere ekiseera kye tulimu. Mukiraba? Kaakati, kinaatera okuggwaako, nakyo, ab'emikwano. Kinaatera okuggwaako!

126 Kati, oba nga Katonda wa Ibulayimu yazuukiza Yesu Kristo okuva mu bafu, era Yesu oyo n'asuubiza nti mu nnaku ez'oluvannyuma obubonero bwe bumu Ibulayimu bwe . . . Malayika (nga ye yali Katonda mu mubiri ogw'omuntu) bwe yakola mu maaso ga Ibulayimu, nga omwana ow'obulenzi eyasuubizibwa tannajja, Yesu yagamba ekintu kye kimu kya kubeerawo ne leero.

127 Kati, tulaba eby'okulwanyisa nnamuzisa n'ebibiina by'amaddiini, n'ebyo byonna, wamu n'emivuyo gye balimu. Tulaba Billy Graham emmanga eri ne Oral Roberts, n'abantu abo bonna eyo; omubaka w'Abapentekoote n'omubaka w'ebibiina by'amadiini nga bali eyo, tulaba ebintu ebyo byonna nga bigenda mu maaso, nga byoleka akabonero. Billy Graham, eyakenkuka mu by'eddiini, ebibiina by'amadiini kye bikkiririzaamu. Oral Roberts, omuwonya nnakinku, kyennyini Abapentekoote kye . . .

128 Naye tunula wano, waliwo ekirala ekyasuubizibwa eri Ezzadde lya Ibulayimu. Baabo eyo mu bibiina by'amadiini; waliwo ekintu *okuva* mu bibiina by'amadiini ekiteekwa okubaawo, okukuŋŋaanya abantu. Tujja kugira tukirese okutuusa enkya ekiro.

129 Weetegereze, omukazi oyo ssimumanyi. Ŋŋenda kumukuba amabega. Mukama Katonda bw'anabaako ky'ayogera eri omukyala oyo, kiyinza okuba nga kya—kya nsonga za maka, kiyinza okuba nga kya byanfuna, buyinza okuba obulwadde; ssimanyi. Ye ajja kumanya oba nga mazima oba nedda.

130 Bw'Anaakola ekintu kye kimu ekiro kya leero kye yakola luli, onakkiriza Katonda Yesu Kristo gwe yasuubiza okubeera wano mu nnaku ez'oluvannyuma? Bameka abakkiriza nti tuli nga abali mu Sodoma, nga ensi yonna eri mu mbeera nga ey'e Sodoma? Bameka ku mmwe abakkiriza nti bye mbagambye ekiro kya leero ge Mazima? Kati, abaana era Ezzadde lya Ibulayimu, mukkirize Katonda!

131 Kati, okusobola okukiggya mu birowoozo byammwe nti nnina kye ngezaako okwogera eri omukazi ono, nga mmutunuulira mu maaso, oba okufuna ebintu byonna ebikwata ku by'okusoma ebirowoozo by'omuntu oba kyonna ky'oyagala okumanya. Omuntu yenna amanyi ku by'okusoma ebirowoozo by'omuntu ateekwa okuba nga amanyi okusingako awo. Mukiraba? Mukiraba? Mwali mulabyeeko ku muntu

asoma ebirowoozo by'abantu nga abuulira Enjiri? Mwali mulabyeko omusamize nga abuulira enjiri, n'akola obubonero n'ebyewuunyisa, ng'alaga nti Yesu Kristo aba bumu? Nedda.

132 Mukiraba, eri...ndowooza ya bantu. Mukiraba, bazibe ba maaso. Mukkiriza nti basobola okuba abazibe b'amaaso? Bayibuli yagamba kye baliba. Kituufu ekyo? "Abakakanyavu, abeegulumiza, abaagala amasanyu okusinga Katonda, abamenya endagaano, abawaayiriza, abateegendereza, abanyooma abo abakola obulungi, nga balina ekifaananyi eky'okutya Katonda, naye nga beegaana amaanyi gaakwo."

133 Yesu teyagamba mu, mu Mutukuvu Matayo 24:24, nti emyoyo ebiri mu nnaku ez'oluvannyuma gyandirimbye n'Abalonde bennyini, ssinga kyali kisoboka? Naye tekisoboka. Baali mu birowoozo bya Katonda ku luberyeberye, era bali kitundu ku Katonda.

134 Kaakano, Katonda wa Ibulayimu, Isaaka, ne Yakobo, leka kimanyibwe ekiro kya leero nti nkwogerako Mazima. Ye Ggwe, Mukama. N'obuwombeefu leka abaweereza bo basobole okujja ebirowoozo byabwe mu kkubo, osobole okukozesa emibiri gyaffe ku lw'Ekitiibwa Kyo. Mu Linnya lya Yesu, Omwana wa Katonda. Amiina.

135 Ekirabo kye kiki? Ssi kye kintu ky'otwala n'okutulakutula n'okyusa. Nedda, nedda. Kwe kumanya engeri ey'okwejja mu kkubo Katonda asobole okukukozesa. Ekirabo kuba kwejjawo, awo Katonda n'akikozesa.

136 Omukazi ali emabega wange agenda kufa bw'aba tawonyezeddwa. Omukazi ali emabega wange yaakamala okusabirwa omusajja omulala, jjuuzi. Alina kookolo. Kookolo ali mu bbeere lye ne mu mawuggwe ge. Era yaakamala okusabirwa jjuuzi, era agezaako okukikkiriza olw'okukkiriza nti yawonyezeddwa. Ekyo kiri BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA! Ekyo kituufu, nnyabo? [Omukazi addamu nti, "Weewaawo, mazima ddala kituufu."—Omuk.] Bwe kiba nga kituufu, wuuba—wuuba omukono gwo eri ekibiina. Katonda wa Ibulayimu akyali mulamu! Kale, genda okkirize ekyo ky'okkiriza ojja kuba bulungi. Amiina.

Mukkiriza? Mugamba nti, "Ate ekibiina?"

137 Omukazi ono atudde wano naye...ku nkomerero y'olunyiriri, omukazi ow'okubiri awo wennyini. Bwe nkyuuse awo wennyini nnina kye ndabye, ekintu ku mukono gwe, ekikebera puleesa. Alina puleesa eya waggulu. Kituufu ekyo, nnyabo? Yimusa omukono gwo. Bw'oba okkiriza, puleesa yo egenda kukka. Katonda wa Ibulayimu akyaliwo. Ali ekyo kyennyini kye kyali, Ekigambo kya Katonda eky'ebiro bino!

138 Oli otya? Okkiriza kati? Beera n'okukkiriza mu Katonda! Andabikidde nga omwana omuto. Katonda amanyi omutima gwo, nnyabo, nze ssigumanyi. Okkiriza nti Katonda asobola

okumbikkulira buzibu ki? Onaamukkiriza bwe nnaakikola? Si kikyo, kya mulala, nga ye mwannyoko. Era ali bubi nnyo, era ali mu kibuga ekiri mu bukiikakkono okuva wano, Tulare. Era ali mu ddwaliro, era alina kookolo w'omu musaayi, n'abasawo bamuwaddeyo afe. Tewakyali ssuubi yadde. Ky'ekyo. Okkiriza? [Omukazi, akaaba, n'agamba nti, "Weewaawo."—Omuk.] Kale. Kiki ky'olina mu ngalo zo? Kitwale okimuteekeko. Era tokibuusabuusa. Kkiriza! Amiina.

139 Mukkiriza? Omukazi ssimulabangako mu bulamu bwange. Naye Katonda asigala Katonda! Kati, mbuulira oba omuntu asobola okukola ekyo? Tekiri mu nkula ya muntu okukikola. Ye Katonda Yesu Kristo gwe yasuubiza nti alibeera wano mu nnaku ez'oluvannyuma era yeekakase Mwene (mu maaso g'Ezzadde lya Ibulayimu) nga bwe kyali mu nnaku za Sodoma.

140 Kati wano, omukazi ssimumanyi, ffembi tetumanyiganye, nsuubira gwe mulundi gwaffe ogusoose okusisinkana mu bulamu. Onzikiriza okubeera omuweereza We? [Omukazi addamu nti, "Weewaawo."—Omuk.] Kino okikkiriza okuba Ekigambo? ["Weewaawo."] Era okimanyi nti bwe kiba nga... Ekigambo kino kikyayawula ebirowoozo n'okufumiitiriza kw'omutima. Ekyo kituufu? ["Kituufu ekyo."] Ekigambo Muwonya, era, bw'oba osobola okukikkiriza. Okikkiriza. Oliko ekisiikirize, naawe, ekisiikirize ekikutte. Kookolo. Era okkiriza nga Katonda asobola okumbuulira wa kookolo oyo waali? Ali mu byenda ebya wansi, omusawo bw'agamba. Okkiriza kati nti ojja kuwonyezebwa? ["Amiina."] Genda, era toba na kubuusabuusa n'akatono, ne Katonda anaakuwonya. Amiina.

141 Mukkiriza, buli omu? Ekyo ddala kye yasuubiza okukola! Beera n'okukkiriza mu Katonda, tobuusabuusa.

142 Tetumanyiganye. Ssikumanyi. Bwe tuba nga tetumanyiganye, ekyo leka ekibiina bakitegeere, tukwatagane mu ngalo. Omukazi ono ssimulabangako mu bulamu bwange.

143 Mukkiriza abali eruuyi eyo? Mukkiriza nti ye Yesu Kristo? Kiki? Kigambo Kye. Abantu bano bwe bakigaana, babeera tebagaanye muntu, babeera bagaanye Kigambo. Ekigambo kye kyali wabweru, nga tekisobola kuddamu kuyingira.

144 Kaakati, omukazi tetumanyiganye. Ssimulabangako mu bulamu bwange. Katonda Muwonya. Kiyinza obutaba lwa kuwonyezebwa, kiyinza okubeera olw'ekintu ekirala, naye Katonda bw'anannyinyonnyola obuzibu bwo, onanzikiriza? Ekisooka ky'oyagala okusabirwa, kiri, olina okutu okulwadde. Okutu kwo okumu, tekuwulira. Ekyo kituufu. Mazima. Ekirala olina omuze, era oyagala kuva ku muze ogwo, gwa kufuuwa ssigala. Teeka olugalo lwo mu kutu kwo okuwulira kati, kale, mu kutu kwo okuwulira. Kale. Kati kkiriza Katonda ogende makubo go, era todda... era ne ssigala tojja kuddamu na kumufuuwa bw'on'okkiriza. Genda, era Mukama akuwe omukisa.

Mulabye ekibaddewo. Ssi wa nnamaddala?

145 Ssikumanyi, ffembi tetumanyiganye. Ssikulabangako mu bulamu bwange, naye Katonda akumanyi. Katonda ssinga abaako ne ky'aŋŋamba ku bikukwatako, on'okkiriza?

146 Ekibiina kyonna munakkiriza? Waliyo omuntu yenna eyo amanyi omukyala ono? Waliyo omuntu yenna mu kibiina amanyi omukyala ono? Kale, mumanyi oba nga kino kituufu oba nedda. Kino kisaanidde okumala. Kino kisaanidde okutegeeza amazima.

147 Kati musobola okulaba ekyakamala okubaawo mu ddakiika ntono ezakayita. Mukiraba? Kiri . . . Ntagala. Mukiraba? Buli kimu ssikyakiraba. Mukiraba, Kwawula myoyo. Mulaba, Mwoyo Omutukuvu. Ssi nze. Kye Kigambo ekyasuubizibwa eky'ekiseera kino. Tekibangawo okuviira ddala mu nnaku z'abatume, tekibangawokko. Naye we kyayogerwa nti, "Nga Omwana w'omuntu tannajja. Nga bwe kyali mu nnaku za Lutti, bwe kityo bwe kiriba ne mu kujja kw'Omwana w'omuntu." Abatakkiriza tebakikkiriza. Tebasuubirwa kukikkiriza. Naye abakkiriza bakikkiriza!

148 Kati, ssinga Omwoyo Omutukuvu akimbikkulira, bameka nga munakkiriza n'omutima gwammwe gwonna, nga onoyimusa omukono gwo?

149 Olina obuvune. Wafuna akabenje k'emmotoka, ne kataggulula ezimu ku nnyingo mu nsingo yo. Era wafuna n'okuseesetuka kw'ensigo. Ekyo kituufu, ssi bwe kiri? [Omukazi addamu nti, "Yee, ssebo."—Omuk.] Okkiriza? ["Yee, ssebo."] Ojja kuba bulungi. Mukama atenderezebwe.

150 Okkiriza nti Katonda awonya ensigo endwadde? Kati genda mu maaso okkirize okuwonyezebwa kwo.

151 Jangu, nnyabo. Tunula eno. Okkiriza nti Katonda awonya obulwadde bw'omutima? Kale, genda makubo go era kkiriza, n'omutima gwo gujja kutereera.

152 Jjangu wano. Okkiriza nti Katonda asobola okuwonya omugongo gwo, n'oba bulungi? Genda mu maaso nga okikkiriza.

Kkiriza bukkiriza Katonda, kye kyokka ky'olina okukola!

153 Jangu, nnyabo. Okkiriza nti Katonda awonya olubuto oluluma? Genda, weriire eky'eggulo, kkiriza n'omutima gwo gwonna.

154 Jangu. Okkiriza nti Katonda asobola okuwonya amakajja? Kati genda, kkiriza, era okole . . . ne Katonda anaakuwonya.

155 Kale, jangu. Okkiriza n'omutima gwo gwonna? Okkiriza? Amakajja, era. Okkiriza nti Katonda asobola okukuwonya? Genda mu maaso, kikkirize, gamba nti, "Webale, Mukama."

Bameka eyo abakkiriza? Mukkiriza?

156 Omukyala ono atudde wano ayambadde ekiteeteeyi ekimyufu, awanise omukono wano, mulwadde wa puleesa eya waggulu. Okkiriza nti Katonda asobola okukuwonya? Okkiriza? Kale. Teeka emikono gyo ku mukyala oyo akuliraanye awo, omugambe nti eddoboozi lye ligenda kuteerera. Amiina.

Kiikyo. Amiina. Okkiriza? Beera n'okukkiriza!

157 Waliwo omusajja atudde wano, avaamu omusaayi. Okkiriza, ssebo, atudde wano? Yee, ovaamu omusaayi. Okkiriza nti kijja kuwona?

158 Omukyala akuddiridde naye avaamu omusaayi, alina n'obuzibu bw'omugongo. Okkiriza nti Katonda agenda kukuwonya? Okkiriza? Yimusa omukono gwo okikkirize. Kkiriza.

159 Omukyala ono akuddiridde alina obuzibu n'amagulu ge ne bbunwe we. Okkiriza nti ekyo kituufu nnyabo? Okkiriza nti onaawonyezebwa? Kale, yimusa omukono gwo, gamba nti, "Nkikkiriza."

160 Kale, omukyala amuddiridde alina obulwadde obuleetebwa obuwuka. Okkiriza nti Katonda ajja kuwonya obulwadde obwo obuletebwa obuwuka nnyabo ayambadde gaalubindi? Yimusa omukono gwo, gamba nti, "Nkikkiriza." Kale, kikkirize.

161 Omukyala amuddiridde alina obuzibu bw'ensigo. Okkiriza nga Katonda anaawonya obuzibu bw'ensigo, nnyabo? Kale, yimusa omukono gwo, kikkirize.

162 Omuwala omuto amuddiridde azimbye eddookooli. Okkiriza nti Katonda ajja kuwonya eddookooli eryo? Yimusa omukono gwo, kikkirize.

163 Bameka nga okkiriza n'omutima gwo gwonna? Yimuka ku bigere byo okikkirize. Golokoka mu Kubeerawo kwa Katonda wa Ibulayimu, Isaaka, ne Yakobo.

164 Mu Linnya lya Mukama Yesu Kristo leka Omwoyo Omutukuvu akke mu kizimbe kaakano era awonye buli muntu mu Kubeerawo Okutukuvu!

Katonda Ye Yevvuunulira Ebibye LUG64-0205
(God Is His Own Interpreter)

Obubaka buno obwabuulirwa Ow'oluganda William Marrion Branham, bwabuulirwa mu Lungereza ku Lwokusatu akawungeezi, nga 5 Febwali, 1964, ku Kern County Fairgrounds mu Bakersfield, California, mu Amerika, buggyiddwa ku lutambi olwa kkaseti ne bukubibwa mu Lungereza nga tebukyusiddwamu. Buno obuvvuunuddwa mu Luganda bwakubibwa era ne busaasaanyizibwa aba Voice Of God Recordings.

LUGANDA

©2020 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

Voice Of God Recordings
P.O. Box 950, Jeffersonville, Indiana 47131 U.S.A.
www.branham.org

Copyright notice

All rights reserved. This book may be printed on a home printer for personal use or to be given out, free of charge, as a tool to spread the Gospel of Jesus Christ. This book cannot be sold, reproduced on a large scale, posted on a website, stored in a retrieval system, translated into other languages, or used for soliciting funds without the express written permission of Voice Of God Recordings®.

For more information or for other available material, please contact:

Voice Of God Recordings
P.O. Box 950, Jeffersonville, Indiana 47131 U.S.A.
www.branham.org